Essomo 8

Ekibi Ky'Adamu Bye Kyazaala

Olubereberye 3

Bassebo ne Bannyabo, tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe ayagala buli omu ategeere era yeweeyo okutambulira mu kkubo ery'obutuukirivu lye yatuteerawo tusobole okuba naye mu mirembe egy'amazima. Twebaza Katonda atusobozesezza okukomawo okubatuusako pulogulamu yammwe emanyiddwa nga *Ekkubo Ery'Obutuukirivu*. Pulogulamu eno eyatekatekebwa Trans World Radio, eva mu kuvvunula pulogulamu eyitibwa **Yoonu Njub** eyategekebwa mu lulimi oluyitibwa olu Wolof ku lw'Abasiraamu b'omu Senegal mu Bugwanjuba bwa Africa. Lino ly'essomo lyaffe ery'omunaana lye tuwadde omutwe ogugamba nti ***Ekibi Ky'Adamu Bye Kyazaala***. Nze Musumba Noah Nsubuga.

Emabegako twayiga nti Mukama Katonda yatondera abantu abasooka mu kifaananyi kye. Era oluvannyuma twamanya ensonga lwaki Katonda yabatonda. Katonda yayagala bamwagale n'emmeeme zabwe zonna, n'emitima gyabwe gyonna wamu n'amaanyi gaabwe gonna basobole okuba n'enkolagana ey'ekitalo naye emirembe n'emirembe.

Kyokka eky'ennaku oluvannyuma lwa byonna Adamu ne Kaawa basalawo okuwuliriza Setaani era bwe batyo ne bonoona eri Katonda bwe baalya ku muti gwe yali abagaanye okulyaako.

Olwaleero twagala tweyongereyo mu Olubereberye essuula ey'okusatu tulabe kiki ekyatuukawo oluvannyuma lwa Kaawa n'Adamu okwonoona eri Katonda. Mu lunyiriri olw'omusanvu tusoma nti, "*Amaaso gaabwe bombi ne gazibuka ne baategeera nga baali bwerere; ne batunga amalagala g'emiti ne beekolera eby'okwambala.*"

Adamu ne Kaawa basooka kukola ki nga bamaze okujeemera Katonda? **Baagezaako okukweka ensonyi zaabwe n'omusango.** Baali tebanalya ku muti tusoma mu Olubereberye 2:25 nti, "*Bombi baali bwereere…so tebaakwatibwa nsonyi.*" Olwayonoona, ebirowoozo ebikwata ku mibiri gyabwe ne bikyuuka. Nebakwatibwa ensonyi mu maaso g'Omutukuvu, ateekwa okubasalira omusango. Ebikoola bye betimba tebyasobola kujjawo musango mu mitima gyaabwe.

Ekyaddirira Olubereberye 3:8 tusoma nti, "*Ne bawulira eddoboozi lya Mukama Katonda ng'atambula mu lusuku mu kiseera eky'empewo: omusajja ne mukazi we ne beekweka mu maaso ga Mukama Katonda wakati mu miti egy'omu lusuku.*" Kale abantu abaasanyukanga nga Mukama wabwe aze okubakyalira kati bageezako ku mwekweka. Adamu yamanya bulungi nti ayonoonye eri Katonda.

Lwaki Adamu yalina okutya? Kituufu Katonda yamugamba nti lw'olirya ku muti ogwo tolirema kufa. Olowooza Katonda yali wakubonereza abantu be yatonda mu kwagala? Mukama yakola ki nga Lucifer amujeemedde? Yamuleka ne bamalayika banne nebejjeerera? Nedda n'akatono. Mu ngeri yemu Adamu yali mujeemu. Katonda mutukuvu, mwenkanya, era ateekwa okusalira ekibi omusango. Kagezimunnyu Leonardo da Vinci yagamba nti, "Atabonereza kibi aba akiragira kigende mu maaso." Nnabbi Kaabakuuku yagamba mu Kab. 1:13 nti, "*Ggwe alina amaaso agayinze obulongoofu obutatunuulira bubi, so toyinza kulaba (*kutunula ku*) bukyamu.*" Mu Abaebbulaniya 10:30,31 tusoma nti, "*…Mukama alisalira omusango abantu be. KIgambo kya ntiisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu.*" Kwegamba. obutukuvu bwa Katonda bumuwaliriza okubonereza buli kibi. Kale yalina okusalira Adamu ne Kaawa omusango. Kye tuva tusoma mu Olubereberye 3:9 nti, "*Mukama Katonda n'ayita omusajja n'amugamba nti Oli luuyi wa?*"

Kankubuuze. Adamu bwe yamala okwonoona yagenda n'anoonya Katonda? Nedda. Yali agezaako ku mwekweka. Lwaki Katonda yakowoola Adamu. Yali tamanyi gy'ali? Katonda alaba era amanyi buli kimu yali amulaba. Katonda yali ayagala Adamu alabe ekisobyo kye er ayenenye mu maaso ge. Katonda yali akyalina okwagala eri omuntu we.

Adamu yaddamu ki Katonda bwe yamubuuza nti, "*Oli luuyi wa*?" Ebyawandiikibwa bigamba mu Olubereberye 3:10-13 nti,

"*[Adamu] N'ayogera nti Mpulidde eddoboozi lyo mu lusuku, nentya, kubanga mbadde bwerere; ne nneekweka. N'ayogera nti Ani eyakubuulira nti obadde bwerere? Olidde ku muti gwe nnakulagira obutagulyangako? Omusajja n'ayogera nti Omukazi, gwe wampa okubeeranga nange, ye ampadde ku muti, ne ndya. Mukama katonda n'agamba omukazi nti Kiki kino ky'okoze?Omukazi n'ayogera nti Omusota gunsenzesenze, ne ndya.*"

Owulidde Adamu ne Kaawa bwe badda mu Katonda? **Buli omu yagezaako kunenya mulala**. Adamu yanenya Katonda ne Kaawa. Kaawa omusango yagussa ku musota. Kyokka Katonda amanyi omutima gw'omuntu yamanya nti **bombi gubasinze**. Katonda si yeyabaliisa ku muti. Ne Setaani wewaawo yalimbalimba Kaawa, naye talina gweyawaliriza kulya. Adam kitawe, newakubadde mu 1 Tiseewo 2:14 tusoma nti teyalimbibwalimbibwa; yasalawo kugenda makubo ge. Adamu yali amanyi bulungi Katonda kye yalagira naye n'asalawo okugoberera ekkubo eritali lya butuukrivu. Ate n'ayongera okubyonoona bwe yagezaako okuteeka omusango ku balala.

Nabulikati abantu bakyakozesa akakodyo ako ak'okwekwasa n'okuwaayira abalala. Zibasanze kuba Katonda amanyi amazima. Kyokka Katonda ow'okwagala akyakubuuza, Oli luuyi wa? Lwaki okyannegaana n'obulungi bwange? Lwaki owaayira abalala? Wulira Katonda ky'agamba mu Abaruumi 14:11,12 nti, "*Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, buli vviivi lirinfukaamirira, na buli lulimi lulyatula Katonda. Kale bwe kityo buli muntu mu ffe alibalirira omuwendo gwe yekka eri Katonda.*"

Katweyongere okusoma Olubereberye 3:14-19 tulabe engeri Katonda gye yasala emisango gya Setaani, Kaawa, ne Adamu.

"*Mukama Katonda n'agamba omusota nti Kubanga okoze kino, okolimiddwa ggwe okusinga ensolo ez'omu nnyumba zonna, n'okusinga buli nsolo ey'omu nsiko; onootambuzanga olubuto, onoolyanga enfuufu ennaku zonna ez'obulamu bwo: nange obulabe n'abuteekanga wakati wo n'omukazi, era ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi: (ezzadde ly'omukazi) lirikubetenta omutwe, naawe oliribetenta ekisinziiro. N'agamba omukazi nti Okwongera naakwongerangako obulumi bwo n'okubeeranga kwo olubuto; mu bulumi mw'onozaaliranga abaana; n'okwegomba kwo kunaabanga eri musajja wo, naye anaakufuganga, N'agamba Adamu nti Kubanga owulidde eddoboozi lya mukazi wo, n'olya ku muti gwe nnakulagira nga njogera nti Togulyangako: ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu kutegana mw'onoggyanga eby'okulya ennaku zonna ez'obulamu bwo; amaggwa n'amatovu g'eneekuzaaliranga; naawe onoolyanga omuddo ogw'omu nnimiro. Mu ntuuyo ez'omu maaso go mw'onooliranga emmere. Okutuusa lw'olidda mu ttaka; kubanga omwo mwe waggibwa; kubanga oli nfuufu ggwe, ne mu nfuufu mw'olidda.*"

Olaba ekibi bye kyazaala?—nnaku na bulumi, matutu, maggwa, ntuuyo na kukabassana, kulwaala na kufa. Mu Abaruumi 6:23 tusoma nti, "*Emoeera y'ekibi kwe kufa*!"Katwebuuze: Adamu ne Kaawa baazikibwa ku lunaku olwo? Nedda. Naye baafa mu myoyo gyaabwe kubanga baali tebakyalina nkolagana na Katonda.

Nga bwe twakiraba mu misomo egyayita okufa kwe kwawukana okuva ku Katonda. Adamu ne Kaawa ekibi kyabaawukanya ku Katonda. Olw'okwetaba n'omulabe wa Katonda omuntu yafuuka omulabe wa Katonda. Kale buli agoberera Setaani afuuka mulabe wa Katonda.

Nga tetunnamaliriza olwaleero, waliwo ekintu kyetuteekwa okutegeera n'okujjukira. Kye kino nti: Okusinziira ku Abaefeso 2:1 ffenna tuzaalibwa mu nsi muno ng'abo "abafiiridde mu byonoono n'ebibi byaffe. Era okusinzira ku Abaefeso 4:18 nga twawulibbwa ku bulamu bwa Katonda. Kale ffenna abava mu Adamu (kwegamba buli muntu) tuzaalibwa twawukanyizibbwa ku Katonda. Okwonoona n'okufa bwe bityo bwe byatujjira. (Abaruumi 5:12).

Tulinga ettabi ly'omuti. Bweriva ku muti liwotoka era oluvannyuma likala ne lifa.

Nnabbi Dawudi yawandiika mu Zabbuli 51:5 nti, "*Laba, nze natondebwa mu bubi; ne mukwonoona mmange mwe yanzalira.*" Ekibi kiringa Mukenenya (AIDS) olumbe olwajjira ensi. Bwe luyingira mu mubiri n'abaana bozadde ba salumanya ne nalumanya lubatwaliramu. Ekibi kissi era omuntu ku bubwe talina ddagala lyakyo.

Naye tutendereza Katonda olwaleero n'emitima egijudde essanyu, kubanga Katonda ye kennyini ataddewo ekinatuwonya ekibonerezo n'amaanyi g'ekibi. Kyokka tuteekwa okukkiririza mu kuwonya kwa Katonda n'okukusembeza. Katonda bw'anaba ayagadde mu pulogulamu yaffe eneddako tujja kulaba engeri Katonda gye

yawa Adamu ne Kaawa, abaana n'abazzukulu nga ffe ekisuubizo ekiyitirivu eky'Omulokozi ow'okujja mu nsi okununula abonoonyi okubajja ku kibi, Setaani ne Geyena.

Mwebale okuwuliriza. Kambalekere olunyiriri olwo olw'okutaano mu Zabbuli 51 olugamba nti,

"*Laba, nze natondebwa mu bubi; ne mukwonoona mmange mwe yanzalira.*"

Mubadde muwuliriza Ekkubo Ery'Obutuukirivu pulogulamu eyategekebwa Trans World Radio. Kati bw'oba n'ekibuuzo, oba obujulizi, oba okuwabula oba ekintu ky'oyagala tusabire tuma sms ku nnamba zino 0704-136199 oba 0774-895460 oba wandiika ebbaluwa y'empewo (e-mail) ku Email address eno: barua@twr.co.ke Tewerabira okutuwuliriza nate wiiki ejja ku sitenseni y'emu eno.

Nze omusumba Noah Nsubuga. Nsaba Mukama Katonda abawe omukisa.